**22nd February 2015.**

# OBUJULIRWA BWA YOKAANA OMUBATIZA.

**Yokaana 1:19 – 39.**

Mu kweyongerayo kwaffe, Omutume Yokaana mwatwanjulira Yesu Kristo okuba Omwana wa Katonda era Katonda mwennyini, tusobole okumukkiririzaamu era n'olw'ekyo tusobole okuba abalamu mu linnya lye, leero tulaba obujulirwa bw'oyo omu ku bajulirwa omunaana baatuwa mu njiri ye abaajulira ekyo kyennyini eri abalala bonna, okkakasa obutuufu bwakyo, waleme kuba kubuusabuusa wadde entaanya yonna.

Ng'ono ye Yokaana omubatiza, gwe twaali tulabyeko gyetuva mu nnyiriri 6 – 8, ezigamba nti….., kw'olwo we twaalabira obweetaavu bw'oyo eyalina okwanjulira ekitangaala eri abazibe, kabekasinge basobole okuzibulwa, bwe bakkiriza nga bayita mu ye (Ye omujulirwa mwe bandiyise, naye gwe yali abajulira gwe baalina okukkiriza.) Eby'obulamu bwa Yokaana Omubatiza birambikibwa bulungi mu Lukka 1( gye wandisomyeeko mu biseera ebirala).

N'olw'ekyo mu ttuwa obulambukufu bw'obujulirwa bwe, tulaba obuvunaanyizibwa bwaawa, ng'embala z'oyo yenna abuulira enjiri, ez'emirundi esatu, zeyayanjulira ebibinja bisatu eby'abantu, mu nnaku ssatu ez'eddirira, nga bwe tulaba mu nsoma y'ebyawandiikibwa bye tusomesebwaamu leero.

*Tusome nny. 19 – 28……..*

- Abaabatuma baalina obuyinza okubuuliriza, n'okwekebejja Yokaana Omubatiza. Wadde yali mu lulyo lw'abakabona, baalina okkakasa oba ye yali Masiya omulindirirwa……Naye teyagaana kubaddamu, era mu "kwaatulira kwe ddala", mwe ,muli okukkaatiriza… nti "Si yeyali Masiya".
- Olwo bwaataabe Ye, anaaba Eriya? Baatwaala Malaki 4:5, olw'ogera ku kujja kwa Eriya, era ne mu Malaki 3:1; Naye ate ng'olunaku olw'ogerwaako lwe lw'okujja kwe okusala omusango mu nkomerero. Naye ate ne Yesu Kristo yali akikakasizza nti Yokaana Omubatiza yali azze mu mwoyo n'obuweereza bwa Eriya.

- Bwaataabe Eriya, anaaba Nnabbi ayogerwako? Oyo Musa gwe yabasuubiza mu Kyamateeka Olw'okubiri 18:15 – 18. Ate gwe tumanyi mu Bikolwa By'abatume 2, nti ye yali Yesu Kristo.
- Era abagamba kyaali, nti ye yali ddoboozi buloboozi so si Kigambo…. Nga bwe kyalangwa Isaaya mu 40:3, kye tuyinza okusoma mu bulambukufu okuva ku lnny. 1 – 5….

  Mu kuwumba obujulirwa bw'olunaku olw'asooka;
  - Bwaali eri Abayudaaya, abaatumibwa abaakakiiko akafuzi. Bano be baali abawakanyi ba Yokaana, era ne Yesu Kristo, abatakkiriza.
  - Gyebali, Yokaana yalagira ddala embala y'obweetoowaze…(Ddoboozi, tasaanira na kusumulula…[ Embala enkulu egwaanidde bonna abajulira Yesu mu buweereza bwonna.]
  - Era bo abakakasa nti "Waali mu mwe, gwe mutamanyi". Waali.

*Bwe tusoma nny. 29 – 34…….*

Tulaba nti ku lunaku olw'okubiri, ng'ali mu kibinja ky'abantu bonna, abagamba nti, "Mulabe, Omwana gw'Endiga owa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi!

- N'abawa okuva kwe ewa Katonda. Nti kuluno Katonda Ye yali aleese Endiga, eneebataasiza ddala amaanyi g'ekibi. Si ng'ezo abantu ze baatwaaliranga abantu, ezaali zibikkirira obubikirizi ebibi byaabwe.
- N'abawa okubeerawo kwe ddala mu ntandikwa za byonna, " Kubanga ye yaliwo nga naye tannabaawo…..*(soma 30 – 34).*
- Mwe tulabira embala y'omujulirwa omutuufu nti asongereza bonna eri Yesu, so si gyaali, wadde eri ekirala kyonna. [Omutume Paulo kyagamba nti "tubabuulira Yesu Kristo, akomereddwa", tewali kirala!]
- Okutuukirira kw'okujja kwa Yesu kwaali kwa kwewaayo nga Saddaaka, olwo asobole okuba Kabaka, kyokka Isiraeri yasuubira Masiya aliba Kabaka, Nnabi, Omufuzi, ate eyabaggira ng'omuweereza era anaabafiiririra.
- Era bo, yabakakasa nti "Mu mulabe wuuyo…"

*Ne mukumaliriza bwe tusoma nny. 35 – 39.*

Tulaba ku lunaku olw'okusatu ng'ali n'abayigirizwa be babiri. Yokaana Omubatiza atunuulira Yesu enkaliriza, osanga n'ekitiibwa gyaali n'ayasanguza nate nti "Mulabe, Omwana gw'Endiga owa Katonda".

- Nti mu kumubasongereza, abakubiriza okumugoberera, era nabo kye bakolerawo. Bamugoberera era mu kumenya essaawa zennyini ze baakikolerako, kiraga obukulu bw'okukyuusibwa okwaabatuukako okuviira ddala kw'olwo. Nga bwe tumanyi nti omu kubbo ye yali Yokaana Omutume atuwandiikira enjiri eno.
- Era bwe baamuwa ekitiibwa ky'obuyigirizwa; "Labbi", abaddamu nti "Mujje mulabeyo"…… [ lnny.39]
- Ne tulaba n'embala endala y'omujulirwa wa Yesu nti afuba okugobereza abantu Yesu Kristo, so si ye.

Bwe tutyo bwe tulaba obujulirwa bwa Yokaana Omubatiza eri abantu b'emirundi esatu: Eri Abayudaaya………. Waali

Eri Abantu bonna……… Mu mulabe

Eri Abayigirizwa……… Mu mugoberere.

Mukama yebazibwe.